# Awangudde ssente mu kudduka emisinde naye aggyibwako omusolo?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno **0701625460** byonna ajja kubyanukula.

**Omuntu bw'awangula ssente okugeza mu misinde, nazo muziggyako omusolo?**
Omuntu bw'akiikirira Uganda mu mpaka z'emizannyo (sports competition), ensimbi n'ebirabo by'aba awangudde mu ngeri eno tebiggyibwako musolo okusinziira ku kitundu 21 eky'etteeka ly'omusolo ku nnyingiza (Income Tax Act)

**Mugezaako okunoonyereza lwaki abantu tebakyayagala kuwa musolo? Abamu tulaba ng'emisolo egitatugasa.**
Okuwa omusolo buvunaanyizibwa bwa buli muntu afunye ennyingiza eggyibwako omusolo mu Uganda. Ensonga nnyingi eziviirako abantu obutaagala kuwa musolo ng'ezimu ku zo kuliko obutamanya mateeka ga musolo, obwagazi bw'abantu okubeera n'obugagga obw'amangu, okulowooza nti omusolo tegutuukiriza buvunaanyizibwa bwagwo n'ensonga endala nnyingi. Kye tusinga okukubiriza abawi b'omusolo, kwe kutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe kubanga lino ly'ekkubo lyokka eggwanga mwe lisobola okuyita okweggya mu nvuba y'okwesigama ku buyambi bw'amawanga ga nnaggwadda.

**Kiva ku ki okubeera nga tulina bizinensi ezigwa mu ttuluba lye limu mu nnyingiza era nga tukolera mu kitundu kye kimu kyokka ne tusasula omusolo ogw'enjawulo?**
Buli lw'otandika bizinensi, oteekeddwa okugiwandiisa mu mateeka. Oluvannyuma lw'okugiwandiisa, okubiriziibwa okukuuma ebiwandiiko byayo okuli ennyingiza ensaasanya n'ebiwandiiko ebirala, oluvannyuma weebalirire mu musolo ggwe kennyini gw'olina okusasula mu kimanyiddwa nga self-assessment, osseemu ennyanjula oba litaani, olwo osasule omusolo. Ensonga lwaki bizinensi zisasula omusolo ogw'enjawulo, kwe kuba nti ennyingiza n'ensaasaanya yaazo eba ya njawulo newankubadde nga zisangibwa mu kitundu kye kimu.

**Kintu Bulasio– Bunnamwaya, Ensonga ze twawulirako ez'okulekera awo okukozesa TIN esikizibwe densite yakoma wa?**
Mwami Kintu, tukwebaza obuujjumbize ku nsonga y'okutambula n'okumanya ebikwata ku musolo mu Uganda. Mu nnongoosereza z'omusolo mu mwaka gwa 2025-2026, mwassibwamu ekiragiro ky'okukyusa okuva ku kukozesa TIN okudda ku kukozesa ennamba densite (NIN). Kaweefube w'enkyukakyuka eno agenda mu maaso kubanga bino bigabwa ebitongole bya njawulo (NIN egabibwa kitongole kya NIRA ate nga TIN egabibwa URA). Noolwekyo tugenda mu maaso mu kussa enkyukakyuka eno mu nkola, era mu kiseera ekitali kya wala kino kya kutandika okugoberrwa.



Munnayuganda Kiplimo ng'avuganya mu misinde ebweru w'eggwanga.

**Ku nsonga y'ekisonyiwo ku musolo, amagoba n'engassi ebyassibwa ku bizinensi y'omuntu oluvannyuma lwa June 30, 2024, nabyo mubiwa ekisonyiwo?**
Newankubadde ekisonyiwo kino kyassibwawo ku musolo ogubanjibwa omuntu okutuuka nga June 30, 2024, amagoba n'engassi ebyassibwa ku musolo ogwassibwako ekisonyiwo okuva lw'otandise bizinensi yo okutuuka nga nga 30 June 2024, era byaweebwa ekisonyiwo. Noolwekyo, omuntu yenna bw'aba ng'abanjibwa omusolo okutuuka nga June 30, 2024, bw'asasula omusolo ogumubanjibwa nga June 30, 2026 terunnayita, wa kusonyiyibwa amagoba n'engassi.

## BUUZA KAMISONA



Akulira URA, Musinguzi.

## Abalina bizinensi entonotono tuziwandiisa tutya?

**Twaha Boogere e Nansana - Muyinza kutuyamba mutya ffe abalina bizinensi entono ey'okutunda ebinyeebwa n'okusiika emberenge okugiwandiisa mu mateeka kuba simanyi we ntandikira?**
Mwami Boogere, weebale kuba na buvunaanyizibwa ku nsonga z'omusolo mu ggwanga. Nkusaba okyalire ofiisi ekutwala (ey'e Nansana) n'endagamuntu yo, owandiisibwe ku musolo, oluvannyuma oweebwe TIN. Abakozi ku ofiisi eyo baakukulambika engeri gy'olina okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwo ku musolo. Bw'oba weetaaga okumanya ebisingawo, kuba ku nnamba zaffe ezitali za kusasulirwa ku 0800117000 oba 0800217000.

**Enkola ya sitampu ku byamaguzi eya DTS bwe sigikozesa mpeesebwa ngassi ki?**
Enkola ya sitampu ku byamaguzi eya Digital Tracking Solution (DTS) yasabuukululwa mu 2019 okukuuma omutindo gw'ebyamaguzi. Twakwatagana n'ekitongole ky'omutindo ekya UNBS okuyamba abakozesa ebyamaguzi ebyo obutaweebwa bicupuli. Kkampuni yonna efulumya ebyamaguzi ebyalondobebwayo nga kuno kw'otadde n'ababiyingiza mu ggwanga okuva mu mawanga amalala bateekeddwa okussa sitampu ezo ku byamaguzi nga tebinnayingira katale. Omuntu oba kkampuni yonna eremererwa oba egaana okussa sitampu ezo ku byamaguzi, ssinga gugikka mu vvi awa engassi ya bukadde 50. Ate bw'ossa sitampu ku kyamaguzi kyonna kyokka n'otogikwasaganya na system yaffe (activation), owa engassi ya bukadde 20.

## Bwe sikkaanya na musolo gungerekeddwa nneekubira wa enduulu


Omukozi wa URA nga yeekebejja ebyamaguzi.

**Bwe sikkiriziganya na musolo gungerekeddwa akulira ofiisi ya URA, nneekubira wa enduulu?**
Bw'otokkaanya na musolo gukugerekeddwa, olina eddembe okwemulugunya, obutasukka nnaku 45 nga waakaweebwa 'assessment' eyo. Gino wammanga gye mitendera mw'oyita okwemulugunya.

- Kyalira ekibanja kyaffe www.ura.go.ug
- Yingira mu akawunti yo eya TIN. Wano oteekeddwa okuba ng'olina TIN yo ne paasiwaadi
- Nyiga ku objections with liability nga wano w'osobola okussizaamu okwemulugunya ku musolo ogukugerekeddwa.
- Yingizaamu ebyetaagisa mu ffoomu ekuweereddwa oluvannyuma obubaka obwo obuweereze.

Suubira okuddibwamu obutasukka nnaku 90 ku nsalawo yaffe ku kwemulugunya kwo.